# 2 basangiddwa mu musaayi e Kasenge



Abamu ku bantu abazze okulaba abavubuka abaatemeddwatemeddwa.

mbo gwaggyiddwaawo poliisi ate asangiddwa ng'akyalimu akassa twalibwa mu ddwaaliro.

### TEMU EDDALA E KAWANDA

Era abatuuze ku kyalo Mubende Kirinnyabigo mu Kawanda u ggombolola y'e Nabweru u Nansana Munisipaali guddemu ekyekango e basanze omuvubuka g'attiddwa oluvannyuma ulambo gwe ne bagusiba ikono nga bamuteebereza ubba nakati.

Fred Semazzi 33, abadde utuuze mu kitundu kino ttiddwa era abatuuze ulambo gwe baagunze ku makya ku Lwotaano mu katawuni g'atemeddwatemeddwa.

Abatuuze bagambye nti muvubuuka ono abadde imu emize egy'obubbi a nga kigambibwa nti baamusse baamukwatidde u musiri gwa nakati.

Poliisi okuva e Kawanda e Kawempe yaleese emwa ekonga olusu wabula alemeddwa kubanga ekifo yabadde kirinnyiriddwa.

Ssentebe w'ekyalo Julius Kinobe avumiridde abatuuze okutwalira amateeka mu ngalo. Atwala poliisi y'e Kawanda, Joyce Nabukeera yasabye abatuuze abamanyi abaakoze ettemu lino okutuukirira poliisi. Omulambo gwatwaliddwa mu ggwanika lya KCCA.

## *Abantu boogedde*



**Sarah Bilabwa: Ffe ng'abatuuze tuli mu bweraliikirivu bw'amaanyi ddala kuba obumenyi bw'amateeka bulabika nga bweyongera buli lunaku olukya mu kitundu.**



**Ronald Muganzi: Embeera eno naffe abavuzi ba boda mu kitundu kino etandise okutwewanisa emitima. Tetumanyi olw'ettemu naffe lye batandise okutukolako mu kitundu ku wiikendi.**



**Allan Kigongo: Yadde ng'abantu bano babadde tebamanyiddwa mu kitunbdu kyaffe naye embeera y'ebyokwerinda ekyabulamu era tusaba wabeewo ekikolebwa ku butebenkevu.**

WILSON W. SSEMMANDA



Ssendaula (mu kkooti eya kitaka) ne bammemba b'olukiiko olufuzi olusunsula sikaala n'abamu ku bayizi abaganyuddwa mu nkola eno.

# Okusaba sikaala za Madhvani kutongozeddwa

Bya WILSON W. SSEMMANDA

KKAMPUNI ya Madhvani etongozza okugaba sikaala okw'omwaka gw'ebyensoma ogwa 2023/24 eri abayizi abayingira yunivasite mw'etegekedde okuweerera abayizi abali wakati wa 170 ne 190.

Bwe yabadde atongoza sikaala ez'omwaka guno, ssentebe w'olukiiko olufuzi olutwala ebya sikaala, Gerald Ssendaula yategeezezza nti, sikaala zino baazitandika emyaka 20 egiyise, ng'okutuusa kati baweeredde abayizi abasukka mu 2,500 mu yunivasite ezenjawulo, nga bakikola okuddiza ku Bannayuganda abawagidde kkampuni eno nga bagula by'ekola nga sukaali, amajaani n'ebirala.

Yagambye nti we baatandikira okugaba sikaala mu 2003, baali ku bajeti ya bukadde 180 kyokka kati bongedde okukigaziya ng'omwaka guno bataddemu obukadde 750 naddala mu masomo ga ssaayansi.

Yagambye nti sikaala baziwa abayizi naddala aba ssaayansi ne kkoosi ez'ebyemikono.

Yagambye nti okusaba kwagguddwaawo nga kugenda kukoma nga April 31, 2023. Ayagala sikaala agenda ku mukutu gwa kkampuni eno ogwa: www.madhvanifoundation.com n'aggyayo ekiwandiiko eky'okusabirako olwo n'akitwala ku kitebe kya kkampuni eno mu kibangirizi kya bannamakolero ku luguudo lwa 5th Street.

Ssendaula yawadde amagezi kkampuni endala ennene nti nazo zisaanye okutwala ekyokulabirako kya Madhvani ziweerere Bannayuganda ku bwereere kubanga Gavumenti tesobola kukikola yokka.

# bazzeemu okuzuukusa entalo mu Kampala

PONSIANO NSIMBI



Hassan Kazibwe ssentebe wa Uganda Tax Transport Executive Governing Association (UTTEGA) ng'ayogerako ne bammemba b'ekibiina mu lukiiko.

bukulembeze bw'ekibiina kya TOFA tebabumanyi kubanga ebaabulondako nga n'ababulimu onna baava dda mu mulimu gwa akisi nga baasigaza kya kubalyamu sente.

Yagambye nti bagezezzaako kwekubira enduulu mu bitonole bya gavumenti ebyokwerinda 'okuggulawo emisango ku bantu babatulugunya ku poliisi naye ewali n'omuli yali akwatiddwa.

Jamad Mugerwa omumyuka a ssentebe yagambye nti waliwo 'abantu abeesomye okusanyaawo kibiina kyabwe ate nga bajja n'abaagala okubayamba ebyokwerinda okuba emabega w'emivuyo n'obubinja nga buno ababalyako ssente nga babasuubiza okubayamba n'abawa amagezi okuva mu ntalo.

Ku nsonga y'ensimbi za Welfare bano yabawadde amagezi okugenda ku bukulembeze bwa siteegi zaabwe gye baba baloopa kubanga obukulembeze bwa siteegi bwe busolooza ssente zino.

Yagasseeko nti tebagenda kukkiriza atwala